# Ab'amasomero basabiddwa okwerinda Ebola

Bya JALIAT NAMUWAYA

MINISITA omubeezi owa Kampala, Kabuye Kyofatogabye akalaatidde abakulira amasomero n'amatendekero aga waggulu okuteekesa mu nkola byonna ebyetaagisa okutangira abayizi n'abasomesa obulwadde bwa Ebola.

Yagambye nti Ebola yatuuse mu Kampala n'asaba abaamasomero okussa mu nkola minisitule y'ebyobulamu by'esomesa ku kutangira obulwadde buno.



Minisita Kabuye Kyofatogabye (ku ddyo) ku matikkira g'abaasomye eby'obusawo.

"Okubuuzaganya nga mwekutte mu ngalo, okwegwa mu bifuba n'ebiringa ebyo, nsaba mugire nga mubiyimirizaamu," Kyofatogabye bwe yalabudde.

Yabyogeredde ku matikkira ag'e 10 aga yunivasite ya Ernest Cook, abayizi abaasobye mu 400 kwe baaweereddwa Masters, diguli ne dipulooma mu masomo g'ebyobusawo omwabadde Medical Radiology, Diagnostic Ultrasound, Medical Imaging n'ebirala.

Yagambye nti, mu kiseera kino waliwo okwogeraganya wakati wa minisitule gy'akiikirira ne KCCA bakkirize abayizi ba yunivasite eno abali mu kugezesebwa okuyambangako abasawo mu malwaliro ga KCCA okuwa obujjanjabi.

Akulira ekitongole okunoonyereza ku siriimu n'endwadde endala mu ggwanga, Polof. Pontiano Kaleebu yasabye abayizi okuteeka mu nkola bye basomye ne bye banoonyerezzaako ebyekuusa ku byobulamu, bamalewo endwadde eziruma Bannayuganda.

Akulira yunivasite eno, Polof. George Kirya yeebazizza Gavumenti olw'okuteekawo omwagaanya oguwadde omukisa yunivasite ez'obwannannyini okwongera okuweereza. N'agisaba eyongere ssente mu masomo g'ebyokunoonyereza, kyongere amaanyi mu buvumbuzi mu byobulamu.